

**P360/2
Luganda
Paper 2
2½ Hours**

BUGANDA EXAMINATION COUNCIL MOCKS

Uganda Advanced Certificate of Education

LUGANDA

PAPER 2

OKUKYUSA, OKUWANDIKA EMBOOZI, OKUSOMA BWINO

N'OKUFUNZA

OLUPAPULA OLWOKUBIRI

ESSAAWA SSATU (3 HRS)

EBIGOBERERWA:

- Olupapula luno lugabanyiziddwamu ebitundu bina: **A, B, C ne D.**
- Ebitundu **A ne C** bya buwaze.
- Mu kitundu **B ne D**, oweereddwa eby'okulondako by'oyagala okuddamu.
- Fuba oddemu nga bw'olagiddwa mu buli kitundu.

EKITUNDU A
Ddamu 1(a) ne 1(b)

1. (a) Kyusa ekitundu kino okizze mu luzungu.

(Obubonero 15)

TANDIKA OLUNAKU LWO NE GGIRAASI Y'ENNIIMU

abantu abasinga tebatera kwettanira kunywa nniimu olw'okukaawa okugirimu ne beerabira nti erimu ebiriisa bingi eby'omugaso eri omubiri. Enniimu nnungi nnyo ng'omuntu aginywedde ku lubuto lukalu oba nga tannabaako ky'alya, naddala mu budde obw'oku makya. Leero tukuleetede ensonga eziwerako lwaki osaanye okunywa enniimu.

Eyamba okukendeeza omugejjo. Buli muntu omunene eyandyagadde okukendeeza omugejjo, nywa egiraasi z'enniimu ssatu buli ku makya. Ekola bulungi nnyo kubanga terina bulabe bwonna bw'ereeta ku muntu. Ekendeeza okusiiwa eri abakyala ab'ettanira ennyo okusiba enviiri, weekwate enniimu ogikozese ng'ebizigo kubanga ekendeeza okusiiyibwa mu mutwe ssaako okukaza amabwa agaba gavudde mu kusibibwa ennyo. Eziyiza ne situka mu mutwe.

Enniimu ekola bulungi nnyo mu kulongoosa olususu. Bwe wettanira okugyesiiga buli kawungeezi ng'ogenda okwebaka, ekola bulungi nnyo. Ate mmwe abalina embalabe, mwandibadde mugyettanira nnyo. Ebiseera ebisinga, abaana bafuna amabwa agatali gamu, oluusi nga gavudde ku kulumibwa obuwuka, enkwagulo oba okusalibwa amayinja nga bazanya. Omuzadde ali eyo, nga tonnaddusa mwana mu ddwaliro, kamula enniimu osiige awali ekiwundu omwana ajja kutereera mu bbanga ttono. Okusobola okukuuma ensigo nga nnamu, kitukakatako okunywa ekitundu ky'eggiraasi buli lunaku naddala ku makya.

(Kisimbuddwa nga kikyusiddwamu katono okuva mu Munno Voice nga 26/7/okutuuka nga 1/08/2015)

(b) Kyusa ekitundu kino okizze mu Luganda.

(Obubonero 15)

Eucalyptus tree is not difficult to care for because this type of tree usually maintains itself reasonably well. Once established, eucalyptus trees shouldn't require too much watering. With the exception of those growing in containers. Allow them grow without watering them. Additional watering may be necessary during periods of excessive drought. However as for fertilizers, much of the eucalyptus tree information recommend against the use of fertilizers. Potted eucalyptus may require an occasional slow release fertilizer.

Eucalyptus tree care includes annual pruning to gain much from it. They are also known litter in the dry season shedding bark, leaves and branches. Its bark is considered flammable; keeping this debris cleaned up is preferable. If desired, you can collect some seed once it falls and then plant it in another area in a container.

Eucalyptus is a fast growing ever green tree native to Australia, there are over 400 different species of the tree. It's often key ingredient in making perfumes, cosmetics because of its unique clean aroma, and used in manufacturing dental medicine. It is used to relieve symptoms of flu and is found in many cough mixtures.

(Extracted from TREE NATION MAGAZINE July 2008)

EKITUNDU B
Kola 2(a) oba 2(b)

- 2(a) Ku mitwe egikuweereddwa, londako gumu oguwandiikeko emboozi ya bigambo 350 – 400. (Buli mutwe obubonero 30)
- (i) Obuteebuuza butambuza amazzi ekiro.
 - (ii) Enkola ya gavumenti ey'okugoba abantu abatundira ku nguudo z'ebibuga eby'enjawulo mu ggwanga nnungi. Kubaganya ebirowoozo.
 - (iii) Afuna aduula.
 - (iv) Omuganda n'okukuma obutonde bw'ensi.

OBA

- (b) Ku mitwe egikuweereddwa, londako ebiri (2) buli gumu oguwandiikeko emboozi nga bw'olagiddwa. (Buli mutwe gwa bubonero 15)
- (i) Wandiika alipoota gy'onootwalira ekitongole ky'ebjemirimu ku nsonga lwaki abayivu badduka mu ggwanga okugenda okukolera ebweru. (Kozesa ebigambo 200)
 - (ii) Waliwo ekiteeso ekyaleeteddwa mu Palamenti nga kiri ku kusaanyaawo ekkuumiro ly'ebisolo eriri mu kitundu kyammwe bateekewo ekkolero. Wandiikira omukiise wo mu Palamenti ng'omulaga ensonga lwaki towagira kiteeso ekyo. (Kozesa ebigambo 150)
 - (iii) Kitwale nti wagenda mitala wa mayanja kukuba kyeyo naye embeera gy'okoleramu ekutamye oyagala kudda. Wandiikira mukulu wo ng'omutegeeza ensonga lwaki oyagala okudda. (Kozesa ebigambo 150)
 - (v) Kitwale nti ggwe okulira akatale ka MUBUULO MARKET. Yogerako eri abakozi b'omukatale bona ng'obategeeza ku nkyukakyuka empya ze mwakkaanyizzaako nga abaddukanya akatale. (Kozesa ebigambo 200)

EKITUNDU C

3. Soma ekitundu kino n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ku nkomerero yaakyo.
(Obubonero 20)

Omukazi bwe yabeeranga olubuto, teyalyanga bintu ngeri eno:- Omunnyo gw'ensero, obuyindiyindi, ettimpa, emmere eyokya, ebikajjo, omunyyo gw'olusa, enjagi ez'obutula, empfafu, embooge n'ebirala. Ebyo byonna omukazi bwe yabiryanga nga ali lubuto, bwe yazaalanga omwana n'amala afa, nga baganda ba bba bagamba nti, "Ebintu biri eby'omuzizo bye yalyako, bye bisse omwana waffe." Awo kye baavanga bamukuba emiggo egy'obusanvu mingi, nga kkumi na butaano, nga bwe bamulangira nti, "Wattira ki omwana waffe?" Era kye baavanga bamukuba okumubonereza, olulala yeegendereza alemenga okubirya omulundi ogwokubiri ng'ali lubuto.

Ate empisa y'abakazi ey'okusuulumba oba "Okutuulawo", amakulu gaakyo nti wa mirembe, kubanga bwe yabeera nga mukoomwami, teyakwatanga ku bintu bya bba, era nga ne mu nnyumba ya bba tayingiramu naye ekigambo ky'okusuulumba kyayogerwangako mu ngeri nnyingi ku abo abatalina mirimu gye bakola. Nga babafaananya nga omukazi oyo abeera mu bulwadde obwo nti "leero gundi talina ky'akola, wabula okusuulumba obusuulumbi mu nguudo, ogwo gwe mulimu gwe."

Era omukazi bwe yabeeranga mukoomukopi nga takwata ku Mayembe ga bba, ewankubadde ku ngabo ye, newankubadde ku mafumu ge. Yamala nga kuwona n'alyoka akwata ku bintu bya bba ebyo. Ate omukazi atatuulawo, bba bwe yabeeranga agenda okutabaala, yamalanga kumufumitako n'effumu lye omusaayi ne gujja. Awo nalyoka atabaala obulungi.

Naye bw'ataamufumitangako, nti ng'afirayo oba kuttibwa. Era omukazi ow'engeri bw'etyo, abasajja bwe baasookanga okumutegeera, nga tebayinza kumuwasa. Ate baagamba nga nti, "Omukazi atatuulawo, tayinza kuzaala mwana, n'olwekyo kye baavanga bamudibiza ku luggya lwa kitaawe.

Ate omukazi yekumanga omusajja atali bba okumwendako, nga ali olubuto lwa bba, oba okumukwatako, newankubadde okunywa naye ku ndeku emu, oba kutuula mu kifo ekimu, oba ku ddiba ne ku mukeeka. Era ng'omusajja bw'atuula ku muziziko tayitawo. Bwe yabanga ayagala okuyitawo nga agamba nti, "Ssebo vva ku muziziko mpitewo". Naye bwataakolanga bw'atyo, bwe yatusanga okuzaala n'amala alwala, nga bagamba nti, "Obuteekuma bwe ky'avudde alwala obulwadde obw'amakiro." Era bwneyazaalanga omwana teyabeeranga mulamu yafa nga bufi.

Era omwana bw'ataafanga, teyabeeranga na maanyi mu mubiri gwe era n'omukazi yalwalanga endwadde ennene. Ate bwe bwabeera nga obungi nga buyinza okumutta. Omulala abasawo bwe baayanguwanga okumuwa eddagala, nga awona. Ate bwe yabeeranga omuwase, Bakitaawe bajjanga ne babuuza bba nti, "Tuwe omwana waffe, kubanga tetwamuwa basajja babiri." Era kyebaavanga bamuliika ebintu bino: Abakazi babiri, n'ente bbiri, n'embuzi bbiri, era nga kubeerako n'ebirala. Naye kye yavanga aliika ebintu ebyo, kubanga teyakuumma bulungi omwana wa banne n'agenda okwenda ku basajja abalala.

(Kisimbuddwa mu EKITABO KY'EMPISA Z'ABAGANDA ekya Sir Apollo Kaggwa)

Ebibuuzo:

- (i) Ng'osinziira ku kitundu ky'osomye leeta empisa z'abakyala ez'okwekuuma za mirundi esatu. (Obubonero 3)
- (ii) Menya ebintu bitaano (5) omukyala ali olubuto byatalina kulya. (Obubonero 5)
- (iii) Leeta ensonga bbiri (2) lwaki omukyala yakugirwanga okukola ebintu eby'enjawulo. (Obubonero 2)
- (iv) Bulijjo omuntu asaanidde okusasulira okulagajjalira obuvunaanyizibwa bwe. Kino kituukira nnyo ku baami mu kitundu kino. Leeta omutango gwe balina okusasula olw'obutakuumma bulungi mukyala we. (Obubonero 5)

(v) Nnyonnyola amakulu g'ebigambo bino nga bwe bikozeseddwa mu kitundu ky'osomye. (Obubonero 5)

- bamulangira.
- okumubonereza
- okusuulumba
- bamudibiza
- bamuliika

EKITUNDU D

4. Funza ekitundu kino mu bigambo nga 100 ng'olaga obulimi n'obulunzi buli kimu bwe kiyamba kinnaakyo. (Obubonero 20)

Obulimi n'obulunzi birina akakwatane kanene, kubanga byonna bikolerwa ku ttaka.Kizibu nnyo omuntu okwenyigira mu bulimi oba obulunzi nga talina ttaka. Newankubadde guli gutyo, naye okuva edda wano mu Buganda ng'abalimi n'abulunzi tebakwatagana bulungi.

Kino kyabanga bwekityo, kubanga ebisolo by'abalunzi byayigganya nnyo ebirime okugeza enkoko nga ziyigganya nnyo ebijanjaalo ne kasooli eyakasigwa. Ente, embuzi, endiga n'embizzi nga bitawaanya ebitooke, lumonde, muwogo n'emmere endala. Omuntu eyayimbagatanya obulimi n'obulunzi yabanga n'ettaka ddene, era nga buli kimu akyawula.

Mu kulima n'okulunda tulaba nga okulunda kuyamba okufuna ebimusa, ebiyamba ennimiro okufuna obugimu obuzza emmere okugeza obusa n'omusulo ebiva mu nsolo, biyamba okufunamu biogas ayamba ku by'okufumba n'okwakisa amataala. Bwe biggwaamu biogas bitwalibwa mu nnimiro okugimusa ettaka.

Omusulo gw'ensolo n'ogw'abantu gutabulwamu evvu, ebikoola by'oluwo ko oba ebikoola by'omuti gwa moringa, n'obiterekwa okumala sabbiiti n'ofukirira okwetooloola ekirime. Eddagala lino likola bulungi naddala ku bitooke.

Okulunda enkoko kuyamba okuzza ettaka obuggyga, nga tukozesa kalimbwe n'obukuta obuva mu nkoko bwe biyiibwa ku bitooke naddala ebito, mu binnya by'akasooli ng'ogenda okusiga ne mu butunda.

Obusa bw'ebisolo ate bwo bwagenda wala mu binnya by'emmwanyi ng'ossaayo endokwa. Obutabula bulungi oluusi n'ossa mu bitooke n'enva endiirwa endala bugoba obuwuka obubi.

Enjuki ziyamba okutambuza empumbu ewakisa ebirime.

Obulimi buyamba obulunzi nga tukozesa byetuggya mu bulimi ne tubiriisa n'okulabirira bye tutunda. Okugeza mu kasooli tukolamu silage aliiwba ente mu biseera by'ebbulal y'emmere.

Omuddo nga; Calindra, Lablab, n'ebisagazi guliibwa ensolo, mu ngeri y'emu ne gukozeseewa okuzza obugimu mu ttaka.

Ebiwata n'empumumpu biriibwa ensolo n'ebinyonyi, okugeza enkoko. Enkoko naddala ez'omu kiyumba bw'oziba ebiwata zibiika amagi nga galina enjuba eyakyenvu eyettanirwa abaguzi.

Obukuta bw'emmwanyi buyamba okuteeka mu kiyumba ky'enkoko okukuumma obuyonjo bwazo n'okuleetamu ebbugumu kye kimu n'obw'omuceere.

Kalittunsi yeeyambisibwa okuzimba ebiyumba by'ensolo n'ebiyagi. Bw'olima nga bw'olunda kikwetaagisa ettaka ttonottono, ate n'ofuna amagoba mangi. Omusomi weeronderewo ekisingako obulungi.

BIKOMYE